



الدروس المهمة لعامة الأمة

سماحة الشيخ عبد الله بن عبد العزيز بن باز رحمه الله

قام بترجمته إلى الأوغندية

الدكتور حسين محمد بوا

**Emisomo egy'amakulu ennyo eri Abasiraamu
bonna**

Kyawandiikibwa

Sheikh Abudallah ibn Abdul Aziz Ibn Baz

Kyavvunulwa

Dr. Hussein Muhammad Bowa

طبع على نفقة وصية خولة دخيل الجسار رحمها الله (دولة الكويت) بإشراف اتحاد علماء إفريقيا
Kifulumiziddwa Nga kisasulidwa okuwaayo Okwali mu Kiraamo ky'Omugenzi
Khaula Dakhil al-Jassar Allah amusaasire. (Kuwait) Nga kirabirirwa (Ekibiina
Ky'abamanyi ba Africa Abasiraamu)

2016/1437

Enyanjula تقديم المترجم

Amatendo gonna amalungi ga Allah (SW) Nanyini buyinza, oyo atenderezebwa nabuli kitendo kyonna ekyekitibwa, era Emikisa n'okusaasira byonna bibeere ku wekitiibwa Nnabbi waffe Muhammad (SAW) oyo nanyini kuleeta Ddini eno ey'Obusiramu era nagiyigiriza abagoberezi be, era natuuka okuva munsu nga agitangazizza eri buli omu. Allah amusaasire era amusasule ebirungi bingi nyo awamu n'Abo bonna abamuddira mu bigere okusaasanya eddini, n'Abagoberezi be okutusiza ddala ku lunaku lwenkomerero.

Ekitabo kino kyawandikibwa Mukadde waffe sheikh Abdallah bin Abdul Aziizi ibn Baaz nga kikwata ku bintu ebimu Omusiraamu byatekedwa okumanya olw'okuba nti obulamu bwe obwabulijjo kwebutambulira. Kyeyava akituuma nti "Emisomo egy'amakulu enyo eri abagoberezi be'kibiina".

Yayogera kubintu ebisinga obukulu enyo mukuyimirizawo obusiramu bw'omuntu naddala mumbera ze ezabulujjo tugambe nga: Wuzu efunibwa etya, ebigyonoona, Esswala nessula ezisomerwamu buli kiseera, obulombolombo bwazo, n'ebigyonoona, Sunna ze Swala, Okutongoza Allah n'okwewala shirik n'emiteeko gyayo, empagi z'obusiraamu, nasembyayo ebintu ebikolwa ku Mufu.

Ebintu ebyo obulamu bwomusiramu mwebutambulira buli kiseera, kale ekyo kifuula ekitabo kino okubeerera ddala ekikulu enyo eri buli Musiraamu.

Tusaba Omutonzi Allah atuteeremu omukisa tusobole okumaliriza okuvvunula ekitabo kino, wamu n'abasiraamu okuganyulwa mukyo.

Omuvvunnuzi

Dr. Hussein M. Bowa

Bismi Llahi Al-Rahman Al-Rahiim

Amisomo egy'amakulu ennyo eri abagoberezi be'kibiina (kya Muhammad SAW) bonna

Essomo Erisooka:

Surat al- Fatiha awamu n'ezo essula endala enyimpi eziba zisobose, okuviira ddala ku Surat Zil-zala okutuusa ku surat Nnasi, okuzisomesa abantu nga bwetutereza n'ensoma yaazo, n'okuzibakwasiza ku mutwe n'okuvvunnula ekiba kikakata okuvvunnula zisoble okutegeerekeka.

Essomo Ery'Okubiri:

Okukakasa nti tewali asinzibwa mubutuufu okujjako oyo Allah era nti ne Muhammad mubaka wa Allah, ebigambo ebyo okubikakasa nga bwetunyonyola n'amakulu gabyo, awamu n'okunyonyola obulombolombo bwa La ilaaha Illa Llahu, agategeeza : (*La Ilaaha*) okuganira ddala ebyo ebisinzibwa ebitali Allah (*Illa Llahu*) kuno kwekunyweeza okusinza Allah omu yekka atalina kimwegattako.

Ate bwo obulombolombo bwa Laa Ilaha Ilahu bwebuno:

- Okumanya Allah okusangulawo obutamumanya
- Okukakasa okutaliimu kubuusabuusa
- Okutongoza Omutonzi okutaliimu kumugattikako kirala kyonna
- Okumukakasa okutaliimu bulimba bwonna
- Okwagala Okwannamaddala omutali bukyayi bwonna
- Okugondera Omutonzi awatali kuleka kyonna kyayagala
- Okukkiriza (ebiragiro byonna) omutali kulondamu bimu na bimu.
- Okuwakanya buli kyonna ekisinzibwa ekitali Allah.

Bino byonna waggulu omuyimbi yabbissa mu Kitontome bw'ati:

Kumanya Kukakasa Kutongoza Mazima *** Kwagala Kugondera Kukkiriza
Kweyongera, ekyomunaana Kuwakanya *** buli kisinziwa atali Allah

Essomo Ery'Okusatu:

Empagi z'Obukkiriza Ziri mukaaga: Okukkiriza Allah , ne Ba Malaika be , n'Ebitabo bye, n'Ababaka be, n'olunaku lw'Enkomerero , n'Okukkiriza okugera kwe ekirungi n'Ekibi nti byonna biva wa Allah.

Essomo Ery'Okuna:

Okunnyonyola emiteeko gy'Okutongoza obwoomu bwa Allah (*Tauheed*), nga nagyo giri esatu:

Okumwawula mu Butonzi bwe (*Rububiyya*),
Okumwawula mu kumusinza , (*Uluuhiyya*)

Okumwawula namanya Ge n'Ebitendo bye (*Asm'au wa swifaati*)

Ate emitendera Gya **Shiriki** (okugattika ku Allah ebintu ebirala mukumusinja) nagyo giri esatu:

Shiriki Ennene , Shiriki Entono ne Shiriki eyekwese

Shiriki Ennene: Eno ekakasa ku Nyiniyo aba agikoze, emirimu gye okufa, naye nayingira omuliro ogw'olubeerera singa aba afudde nga akyagiriko. Allah (SW) agamba mu Kitabokye ekitukuvu Qur'an nti :

{Singa abaddu be baba bamugattiseeko ekirala mukumusinja, emirimu gyabwe gyebaali bakola gyonna gyakufa}¹

Era Allah owekitibwa n'Agamba:

{Abo abagattika ku Allah tebasobola ku yimirizaawo Mizikiti gya Allah nga bakyekakasaako obuwakanyi bo benyini , abonno beebo abaafiirwa emirimu gyabwe, era nga ne Mumuliro mwebagenda okuwangalira}²

Era omutendera gwa shiriki guno Omuntu aba agufiiriddeko .Allah tagenda kumusonyiwa, n'Ejjana eri haramu kuye, kub Allah Owekitibwa yagamba:

{Allah tasonyiwa zzambi lyakumugattikako kintu kirala, naye amazambi amalala go yandigasonyiwa kw'Oyo gwaba ayagadde}³

Era Allah ow'ekitibwa n'Agamba:

{Mazima ddala omuntu agattika ku Allah, Allah owekitibwa yamuzyizaako okuyingira Ejjana, era obutuuze bwe gujja kuba Muliro, ate bbo abalyazamanya tebalina agenda kubataasa}⁴

Ebimu ku bikolwa ebibaliirwa wansi wa Shiriki eno (ennene) mwemuli: Okusaba Abafu (entaana) oba ebifaananyi (ebibumbe), okusaba okutaasibwa nabyo, okubyeyamira ekintu kyonna, oba okusala kyona ky'Oba osaze kulwaabyo, nebikolwa ebirala ebyefananyiriza kwebyo.

Ate yo Shiriki Entono: By'Ebyo ebikolwa byetusanga nga Quran ne Sunna nga bibiyita Shiriki, naye nga ate tebiri mumutendera gwa Shiriki eri Ennene. Okugeza nga Okukola emirimu egimu nga okola bandabe, okulaira ekintu ekitali Allah, oba okugamba nti: Allah bwaba ayagadde. negundi n'ayagala (ekintu gundi kijja

¹ - Surat al- An'aamu : 88

² - Surat al-Tauba : 17

³ - Surat Annisa-u : 48

⁴ - Surat al- Maa-eda : 72

kukolebwa) nebirala ebyefananyiriza n'Ebyo , Olwekigambo kya Nnabbi (SAW) kyeyagamba nti :

"Ekintu kyensinga okubatiisa okugwamu, ye Shiriki entono" nebamubuza nti Yyo yeruwa ? nabaddamu nti : "Okukola bandabe".⁵

N'Ekigambo kye ekirala (SAW): "Omuntu bwalaira ekintu ekitali Allah aba akafuwadde oba aba amugattiseeko (shiriki)"

N'ekigambo kye ekirala: " *Temugamba nga nti : Allah bwaba ayagadde ne gundi nayagala, wabula mugambe nga nti: Allah bwaba ayagedde **n'oluvanyuma** gundi naye nayagala"*⁶

Omutendera guno tegujya nyinigwo mu Busiraamu, era tegumukakasaako kuba nti wakubeera mu Muliro, naye gumalawo (Tauhiid) okutongoza Allah Okujjuvu omuntu kwatekedwa okubeera nakwo.

Ate Omutendera Ogwokusatu:

Shiriki eyekwese, Eno yo yesembesebwa nekigambo ky'omubaka (SAW) nti:

*" Abange mbabuulire ekintu kyensinga okutya okuba nga kibatuukako, nga nkitya n'okusinga bwentya **Masihu Dajjali?**" Nebagamba nti: Yye kitubulire gwe omubaka wa Allah. n'abagamba nti" Ye Shiriki eyekwese.. Omu kumwe ayinza okuyimirira n'Asaala eswala ye nagiwunda bulungi nnyo, nga ekimukozesa ekyo kwekubeera nti waliwo omuntu amutunulidde".⁷*

Ate era Shiriki osobola ekugiteekulamu emiteeko ebiri gyokka , Ennene n'entono, Olwo eri gyetuyise eyekwese eba ebuna zino zombi, eyingira mu Shiriki ennene nga bwolaba Shiriki ya bannafuusi, kubanga bbo bakweka enzikiriza yabwe enkyamu, nebeeraga nga Abasiraamu, nga ekyo bakikola mungeri ya bandabe, mpozzi nakutya okufuna obuzibu okuva mu Basiraamu.

Ate era shiriki eyekwese esobola n'okubeera ne mu Shiriki entono, nga bwetulabye mu Hadithi ya Mahmood bin Labiid al- Answari eyakulembedde awamu ne Hadith ya abu-Sa-ed gyetwogedde waggulu.

Essomo ery'Okutaano:

Empagi z'obusiraamu, ziri Ttaano:

⁵ -Hadith eno yatubulirwa Imam Ahmad, ne Tabaraani ne Bayihaqi nga bagijja ku Mahmood bin Labiid al- Answari Allah amusiime, Ate ara Twabaraani nagitubulira mu Makubo amalala amalungi nga era ajijja ku Labiidi, naye nga ajijja ku Rafe-e bin Khadiji eyagiggira ddala ku Nabbi (SAW).

⁶ - Hadith yatubulirwa Abu Dauda nga agiyisiza kulunyiriri olutuufu, nga agigya ku Khuzhaifa bin Yamaan Allah Amusiime.

⁷ -Hadith eno yatubulirwa Imam Ahmad, mukitabokye Musnad nga ajijja ku Abu Sa-ed al- Khuduriy Allah Amusiime.

1. Okukkiriza n'okakasa nti tewali asinzibwa mubutuufu okujjako Allah, era nti ne Muhammad (SAW) mubakawe.
2. okuyimirizaawo e Swala (ettano eza buli lunaku)
3. Okutoola e Zzaka mu Mmali yo (bweba ewezezza omutemwa oguggibwamu)
4. Okusiiba omwezi gwa Ramadhan
5. Okukola Hijja, eri oyo yenna aba afunye obusobozi

Essomo ery'Omukaga:

Obulombolombo bw'Eswala (omuntu bwalina okutukiriza alyoke asaale) buli mwenda:

1. Okubeera nga oli Musiraamu,
2. Nga otegeera bulungi,
3. Nga oli mumyaka egyawula ekibi ku kirungi,
4. Nga wetukuzza bulungi,
5. Okujjawo Nagisi w'ogenda okusaalira nemungoye zo,
6. Okubikka obweerere bwo,
7. Ekiseera kye Swala okuba nga kiyingidde,
8. Okwolekera Ekibula (eri Kaaba)
9. N'okutoola Nniya (okumalilira).

Essomo ery'Omusanvu: Empagi ze Sswala, ziri Kkumi nanya:

1. Okuyimirira nga ogenda okusaala, (kwoyo asobola okuyimirira)
2. Okuleeta Takibira eggulawo Eswala
3. Okusoma Surat al- Fatiha
4. Okukutama ku Maviivi
5. Okutereera nga ovudde ku maviivi
6. Okuvunnamira ku biyungo omusanvu
7. Olutuula olutono olubeera wakati wenvunnama ebbiri
8. Okutebenkera mu buli kikulwa kyonna kyokola
9. Okuliraanyisa empagi zesswala
10. Okusoma Tashahudu (Tahiyyatu) Esembayo
11. Okutuula nga osoma Tashahudu (tahiyyatu)
12. Okusaalira ku Nnabbi (SAW) mutashahudu esembambayo.
13. Okutoola Ssalamu essoka.
14. Okutoola Ssalamu eyokubiri.

Essomo ery'Omunana: Ebikolwa ebikakata ku Musaaaze (ebiri Wajibu) biri munana:

1. Takibira zonna zaaleeta mu Swala, nga ojjeeko eri Eggulawo
2. Okugamba nti (Samia LLahu Liman Hamidahu); amakulu nti: "Allah awulidde buli yenna amwebaza", nga kino kyogerwa Imam n'oyo asaala nga ali omu
3. Okugamba nti (Rabbana walakal Hamudu) Amakulu nti: omulezi waffe otenderezebwa) kino kyogerwa bonna.
4. Okugamba nti (Sub-hana Rabbiyal Adhiim) amakulu nti "atenderezebwa oyo omulezi wange owekitibwa", awo nga okutamye kumaviivi (Ruqu-u).

5. Okugamba nti (Sub-hana Rabbiyal A'ala) amakulu nti atenderezebwa oyo omulezi wange owawaggulu nga oli mu kuvunnama(sujuudi)
6. Okugamba nti: (Rabbi Igfir li) amakulu nti: Katonda wange nsonyiwa, nga oli wakati wenvunnama ebberi.
7. Tashahudu (Attahiyyatu) esooka
8. Okutuula mu Tahiyatu esooka.

Essomo ery'Omwenda: Okunyonyola Tashahudu (Attahiyyatu)

Attahiyyatu Lillahi wa Swalawaatu wa Twaibaatu, Assalamu aleika Ayyuha Nnabiyyu wa rahimatu Llahi wabarakatuhu , Assalamu Aleina wa Ala Ibaadi Llahi Aswalihiina, Ashahadu Ani La Ilaaha Illa Llahu, Wa Ashihadu Anna Muhammada Abduhu wa Rasuuluhu.

Amakulu: Amatendo amangi, ebyengera ne birungi ebingi byonna bya Allah, Emirembe n'okusaasira awamu n'emikisa bibeere kugwe Nnabbi, emirembe gibeere kuffe ne kubaddu ba Allah abalongoofu, Nzikiriza nga nkakasa nti tewali asinzibwa mu butuufu okujjako Allah, era nzikiriza nti Muhammad Mudduwe era mubakawe.

Oluvanyuma n'asalira ku Nabbi Emirembe gibeere kuye, namusabira n'emukisa nga agamba bwati:

Allahumma swalli ala Muhammad wa ala Aali Muhammad, Kama Swalaita ala Ibrahim wa ala Ali Ibrahim Innaka Hamiidu Majiid, wa Baarik Ala Muhammad wa ala Aali Muhammad, kama baarakita ala Ibrahim wa ala Aali Ibrahim Innaka Hamiid Majeed.

Amakulu: Ayi Allah Ssa Okusaasira ku Muhammad ne ku bantu ba Muhammad, nga bwewassa okusaasira ku Ibrahim ne kubantu ba Ibrahiim, Mazima ddala gwe eyebazibwa atenderezebwa. Era Ssa Emikisa ku Muhammad ne ku bantu ba Muhammad, nga bwewassa Emikisa ku Ibrahim ne kubantu ba Ibrahiim, Mazima ddala gwe eyebazibwa atenderezebwa.

Oluvanyuma neyekingiriza ne Allah mu Tashahudu (Tahiyyatu) esembayo okumuwonya ebibonerezo by'omuliro Jahannama , n'ebibonerezo bya Kaburi, ne Mubikemo by'omubulamu n'ebyo omuntu byafuna mukufa, ne mubikemo bya Masiihu Dajjali, oluvanyuma nalodayo edduwa yonna gyaba ayagadde, naddala ezo ezagyibwa ku Nnabbi, ne Muzo mwemuli:

Allahumma A Inni ala Dhikirika wa Shukurika wa Husuni Ibadatika.

Amakulu: Aai Allah nyamba nsobole okuba nga nkutendereza n'okukwebaza n'okukusinza obulungi.

Oba eno egamba nti: *Allahuma Inni dhalamutu nafsi Dhuluman Kathiira wala yagfiri Dhunuuba Illah anta, fa Igifir li maghfirata mini Indika, war hamni Innaka antal Gafuuru Rahiim.*

Amakulu: Ayi Allah Mazima nze ndyazamanyiza omwoyo gwange okulyazamanya okungi, So nga ate tewali asonyiwa nsobi okujjako gwe, kale nkusaba onsonyiwe olusonyiwa okuva gyoli, era onsaasire kubanga gwe musonyiyi era omusaasizi ennyo.

Naye Mu Tashahudu essoka bwamala (Ashahadu Anna Muhammad rasulu llah) Ayimuka okunona eraaka eyokusatu. Aba teyetagisa kusaalira ku Nnabbi, naye bwaba amusaalidde kyekisinga obulungi.

Essomo ery'Ekkumi: Essunna ze Swala, mwemuli:

1. Okusoma edduwa eggulawo eswala
2. Okussa ekibatu kya Dyo ku kya kkono wagulu w'ekifuba nga ayimiridde
3. Okusitula emikono gyombi nga engalo zonna zesimbye ziri wamu n'azenkanyankanya n'ebibegabega oba n'amatu mu Takibira esooka, ne mukukutama, ne mukuva mu kukutama, ne mukusituka okuva mu tashahudu esooka nga ogenda okunona eraaka eyokusatu.
4. Emirundi egyeyongera ku Tasbihi esooka mu Kukutama n'okuvunnama.
5. Emirundi egiba gyeyongedde ku gumu mu Duwa ebeera wakati we nvunnama ebbiri.
6. Okutereeza omutwe negwenkana n'omugongo mu kukutama.
7. Okugaziya emikono, n'olubuto obutakoona ku bisambi mu kuvunama.
8. Obutayalirila mikono gyombi kuttaka nga ovvunamye.
9. Omusaaze okutuula ku kigere kye ekya Kkono n'asimba ekya dyo bwaba ali mu Tashahudu esooka, oba mulutuula olutono oluli wakati wenvunama ebbiri.
10. Okutuula n'otereza obutuulo kuttaka mu tahiyatu esembayo.
11. Okusimba ekigere ekya ddyo nga otuudde.
12. Okusaalira ku Nabbi waffe Muhammad n'okumusabira emikisa ne kubantu benjuuye ne ku Nabbi Ibrahim n'abantube mu Tahiyatu esooka.
13. Okusaba mu Tahiyatu esembayo
14. Okusoma Mulwaatu mu Swala ya Fajri, ne Juma ne Idi Ebbiri, ne mu swala y'okusaba enkuba, ne mu Laaka ebbiri ezisooka ku Swalat ya Magaribi ne Isha.
15. Okusoma mu kyama ku Swalat Dhuhuri ne Aswiri ne mu Laaka eyokustu ku Swala ya Magaribi ne mu Laaka ebbiri ezisembayo ku Isha.
16. Okusoma essuula mu Quruan eyeyongera ku Al- Fatiha nga oli mu Swala, awamu n'okugoberera sunna ze swala endala ezitali ezo zetwogedde, nga nemuzo mwemuli ekyo kyetwongera ku kigambo ky'omusaaze : (Rabbana wa lakal Hamdu) nti Ayi Omulezi waffe olina amatendo amalungi gonna , awo wokutamulukukira okuva mu kukutama , kino kakibe kikoledwa Imam,oba Omugoberenzi oba nga osadde bwomu, kubanga yo Sunna, era nemubyo mwemuli okussa emikono ebiri ku maviivi nga engalo z'ebibatu ozanjadde nga okutamye.

Essomo ely'ekkumi n'erimu : Ebitta Esswala , biri Munaana :

1. Okwogera kagenderere nga omanyi era nga Ojjukira bulungi, naye omuntu bwayogera nga yerabidde obanga tamanyi ekyo tekitta swala.
2. Okuseka
3. Okulya
4. Okunywa
5. Okubikkuka obwerere
6. Okumagamaga okuyitiridde okuva ku Kibula
7. Okwetakulatakula okuyitiridde mu Sswala.
8. Wuzu okwononeka

Essomo ely'ekkumi n'abiri : Obulombolombo bwa Uzu okuba nga etuuka, buli Kumi:

1. Obusiramu ,
2. Amagezi ,
3. Okwawula wakati w'ekirungi n'ekibi ,
4. Okutoola Nniya (Okumalirira)
5. Obutanuyirira kusala mu wuzu okutuusa nga ejjudde,
6. Okufuna ekintu ekikakasa wuzu okuggwawo ,
7. Okusitangi oba okwesangula mubifo ebivuddemu najsi nga oghenda okufuna wuzu ,
8. Obutukuvu bwamazzi n'okuba nti gakkirizibwa okufunyisa Wuzu,
9. Okujjawo ekigaana amazzi okutuuka kulususu ,
10. Okuyingira kwekiseera kyeswala kw'oyo (abeera nga okukyafuwala kwe kwabulijjo (nga owe kikulukuto, oba omusajja atonyerera).

Essomo ely'ekkumi n'asatu: Ebikakata okukola mu Kufuna Wuzu, biri mukaga:

1. Okunaaba ekyenyi , nga omwo mumugendera okunyumunguza mukamwa n'okufeesafeesa mu nyindo.
2. Okunaaba emikono gyombi , nga mwotwalidde nenkokola zombiriri
3. Okusiiga Omutwe gwonna, nga mwemugendedde n'amatu gombiriri
4. Okunaaba ebigere byombi , nga onaabirako n'obukongovvule bwombiriri
5. Okuliraanyisa ebikolwa bino nga bwebyogeddwa, wamu n'obutawummuzaamu (ekiyungo ekisoose nekimala kukala).
6. Kiba kirungi okuddingana mu kunaaba ekyenyi n'emikono n'ebigere emirundi esatu esatu., nabwekityo mu kunyumunguza mukamwa nokufesafeesa amazzi munyindo. Naye nga ekyetteka guba mulundi gumu gumu.

Naye kwo okusiiga Omutwe sikirungi kuguddinghana (gwo ogusiiga omulundi gumu) nga Hadith entuufu bwezikirambika.

Essomo ely'ekkumi naana : Ebyonona Wuzu , biri Mukaaga :

1. Ekiba kifulumye mulimu kumakubo abiri,
2. Ekibi ekinene ekifuluma mu mubiri
3. Okuggwamu amagezi olw'okwebaka oba ekirala,
4. Okukwata ku bwereere nengalo mumaaso oba emabega awatali kisiikiriza kyonna,
5. Okulya enyama yenghamiya,
6. Okuva mu Busiraamu, Allah tumusaba akitukingirize.

Okulabula okwamanyi: Kwo okunaaza omufu , Ekituufu nti tekimalaako Wuzu, nga kino ky'ekigambo kyabamanyi abasing obungi, awamu n'okuba nti tewali kiraga (Bwino) alaga ekyo. Wabula singa engalo z'omunaazi zikwata ku bwereere bw'omufu awatali kisikiriza olwo kiba kimukakatako okufuna Uzu. Kubanga ekimukakatako kwekuba nti takwata ku bwerere bwa mufu nga tewali kisikiriza.

Nabwekityo okukwata ku mukazi tekimalako wuzu mubuli ngeri yonna, k'obeere nga omukutteko nabwagazi oba awatali bwagazi , nga kino kyekigambo kyabamanyi ekisinga obutuufu , ebbanga lyomala nga tolina kintu kyonna kikuvuddemu, Olw'okuba nti Nabbi Swalla Llahu aleihi wassalama yanywegera omu kubakyalabe nagenda asaala, nga tafunye Wuzu.

Ate kyo ekigambo kya Allah owekitibwa mu Aaya eri mu surat Nisaa-e (43) ne Maa-edat (6) egamba nti: (Oba nga mukutte ku bakazi أولامستم النساء) ekyagendererwamu kwe kwegatta nabo, mu bigambo byabamanyi ebisinga obutuufu, ne Ibun Abbas nabalala kyebayogera.

Essomo ely'ekkumi nettanu: Okweyisa mumpisa eziragirwa buli Musiraamu:

Nga ne mubyo mwemuli bino: Okwogere amazima, obwesigwa, okwewa ekitiibwa ensonyi, obuzira, Obugabi, okutuukiriza, okweewala ebyo byonna Allah byeyaziya, okubeera mulilanwa omulungi, okuyamba abeetavu okusinzira kubusobozibwo, nempisa ennungi endala ezitali ezo, Quran ne Ssunna byezayogera ku bukakafu bwazo.

Essomo ely'ekkumi n'omukaga: Okweyisa Mumpisa ensiramu:

Muzo mwemuli: Okutola Ssalamu, okusanyukira Basiraamu banno, okukozesa omukono ogwa Ddyo nga olya Emmere oba Okunywa, Okusoma Bismi Llahi nga otandika okulya oba okunywa, n'okugamba nti Alhamudu Lillahi nga Omaze, N'okugamba Alhamdu Lillahi nga oyasimudde , n'okugamba munno ayasimudde nti : Yar-hamuka Llahu. Okulambula Omulwadde, Okuwerekera Janaza Mukusaalira Omufu n'okumuziika.

N'empisa zobusiraamu mu kuyingira omuzikiti oba Mumaka oba okufuluma, era n'okugoberera empisa ezo bwoba otandise olugendo lwonna, nengeri gyeweyisaamu ne bazadde bo, n'abengandazo n'abomuliraano, n'abakulu n'abato, n'okuyozaayoza

afunye ezzadde, n'okusabira emikisa omuntu awasizza, n'okukubagiza afunye ekizibu, n'enneyisa endala ezekisiraamu ezitali ezo, nga mukwambala engoye nemukwambala nemukwambala engatto nebirala.

Essomo ely'ekkumi n'omusanvu:

Okwekesa abantu obutagwa mu Shiriki (okugatta ku Allah) nemu bika byamazambi ebirala:, nga mubyo mwemuli : Amazambi Omusanvu ga Nnamutta agazikiriza nyinigo , era nga geegano:

1. Okugatta ku Allah ekintu ekirala mukumusinja (Shirik)
2. Okukola eddogo / Okuloga
3. Okutta omuntu Allah gweyagaana okutta nga omuttira bwemage awatali nsonga yaddini ntuufu emussa.
4. Okulya emmali ya ba Mulekwa
5. Okulya Riba (enfissi)
6. Okudduka mu lutalo lweddini
7. Okutemerera Omukyala omusiraamu Obwenzi.

Era ne mu mazambi ago mwemuli : Okuyisa obubi abazadde, Okukutula enghanda, okuwa obujulizi obuwayiriza , okukola ebirayiro ebyobulimba, Okukosa mu liranwawo, okulya zamanya abantu mu misaayi gyabwe, emmali yabwe ne kubakyalababwe , n'ensobi endala nyingi ezitali ezo Allah zeyagaana oba Omubakawe zeyaziyiza.

Essomo ely'ekkumi n'omunaana:

Okuteekateeka omufu n'okumusaalira:

Okuteekateeka omufu:

1. Bwetumala okukakasa nti omuntu afudde , tuziba amaaso ge, n'embaaze nezisibwa
2. Kyatteka okunaaza omufu Omusiraamu, okujjako nga abadde *Shahiidu* 'affiridde mulutalo lwobusiraamu' , oyo ye tanazibwa era tasaalirwa wabulwa aziikibwa mu ngoye ze, kubanga Nabbi SAW teyanaaza ba swahaba abattibwa mulutalo lwa UHUD era teyabasalira.
3. Engeri gyetunaazaamu Omufu: Obwereerebwe bubikkibwa, n'asitulwaamu katono, n'akumulwa olubuto lwe mpolampola, oluvanyuma Omunaazi asiba ekiwero kukibatu kye namusitangi (okumunaaza mubitundu bye ebyekyama) oluvanyuma namufunyisa wuzu nga eyesswala, oluvanyuma namunaaza omutwe n'ekirevu n'amazzi ne Bikoola bya sidiri (Oba okukozesa Ssabuni) oluvanyuma namunaaza oludda lwe olwa ddyo oluvanyuma olwakkono, era naddamu namunaaza bwatyo omulundi ogwokubiri nogwokusatu, nga buli mulundi ayisa omukonogwe kulubuto, buli lwemubamuvudde ekintu kyonna akinaaza omufu natukula oluvanyuma nazibikira ekifo ekyo ne Pamba oba ekintu ekirala. Olubuto bweruba lugaanyi okwesiba ekifo mukizibikira nettaka

ettabule oba okukozesa engeri y'ekisawo yonna eyomulembe esobola okukozesebwa, tugambe nga okukozesa gaamu nehimufaanana.

Alina okudinghana mukumufunyis a Wuzu, bwaba tatukudde kumirundi esatu, oyongerako n'oweza etaano oba musanvu. Era kiba kirungi ddala okumukuba kalifuuwa. Essanda ze zinyotezebamu amukka gw'akawowo , Amasurubuge oba enjalaze bweziba nga mpanvu zisalwako, envirize tezisaniirwa. Ate ye Omukazi enviri ze zisibwaamu ebifundikwa bisatu, nezitekebwa emabegawe.

4. Okuzinga Omufu okusinga obulungi ye Musajja okuzingibwa mungoye ssatu nga njeru, nga muzo temuli Kanzu oba ekitambala, tumuzingamu buzinzi, naye bwaba azingiddwa mu Kanzu, nenkutu ne ssuka emu tewaba kabi.

Ye Omukazi azingibwa mungoye Ttano, mu Kiteeteyi, akakaaya, enkutu, ne ssuka bbiri.

Ate ye Omwana omulenzi omuto azingibwa mu lugoye lumu okutuuka ku Ssatu, ate bwaba Muwala azingibwamu Kiteeteyi ne ssuka bbiri.

Naye eky'etteka ku bantu bano bonna kwekuzingibwa mu lugoye lumu olubikka omufu yenna.

Ate Omufu bwabeera nga abadde mu Hijja anazibwa namazzi amatabulemu amakoola ga sidiri, era nazingibwa mu Ssuka ye nenkutu ye Mwabaddde ali) oba mungoye endala. Naye omutwe gwe tegubikkibwa wadde ekyenyi kye, era takubwa kalifuwa kubanga agenda kuzukusibwa kunkomerero nga ali mu kusoma **Labbaika** nga Hadith entufu bweyogera. Naye ye omufu bwabeera nga Hajati yafudde nga ali mu Hijja azingibwa nga banne abalala bwebazingibwa. Wabula nga naye takubwa kalifuwa wadde okubikibwa ekyenyiky nakakaaya, wadde emikonogyegye tegyambazibwa . Wabula ekyenyi kye nemikono gye bibikkibwa nessesanda ezo zazingidwamu nga bwetwayogedde mu kuzinga omukazi.

5. Omuntu asinga okuba n'obuvunanyizibwa mukunaaza n'okusaalira n'okuziika omufu Omusajja, yooyo gwaba alamidde, oyo addirirwa Taata oluvanyuma Jajja omusajja oluvanyuma tugoberera omuntuwe asinga okubeera owokumpi mu basajja.

Ate asinga okuba n'obuvunanyizibwa mukunaaza omufu Omukazi, yooyo gwaba alamidde, oluvanyuma addirirwa Maama we oluvanyuma Jjajjawe omukazi, oluvanyuma netugoberera omuntuwe asinga okubeera ow'okumpi mu Bakyala.

Ate bo abafumbo ababiri buli omu akkirizibwa okunaaza munne, kubanga Abubakar Al-swiddiq (Radhiya Llahu Anihu) yanaazibwa mukyalawe, ate Ali (Radhiya Llahu Anihu) yanaaza mukyalawe Fatima (Radhiya Llahu Aniha).

6. **Ensala y'eswala y'omufu:** Atoola takibira nnya (4).

* Oluvanyuma lwa Takibira esooka, osoma Surat Fatiha, bwoba osobodde okusomerako essula entono yonna oba A'aya emu oba bbiri kiba kirungi, olwa Hadith entufu eyayogerwa Ibn Abbas (Radhiya Llahu An-huma).

* Oluvanyuma lwatakibira eyokubiri, Osaalira ku Nnabbi esswala efanana n'eyo gyosomera mu Ttahiyyatu.

* Oluvanyuma otoola takibira ey'okusatu n'ogamba nti:

Allahumma igfir lihayyina wa mayyitina, wa Shahidina wa Ga-ibuna, wa Swagiiruna wa Kabiiruna, wa Dhakaruna wa Un-thaana, Allahumma man Ahyayitahu minna fa-ahyih alal Islam , wa Man Tawaffaitahu minna Fataffih alal Imaan, Allahumma igfir lahu, war-hamhu wa A'fih wa-afu anihu, wa Aqrimu nuzulahu wawassi-u mudikhalahu , wa gisiluhu bil-Maa-e wa Thaliji wal- Baradi, wa Naqqihi minal Khatwaaya kama yunakka Athaubul Ab-yadhu mina Ddanasi, wa Abdil-hu Daara Khaira min- Daarihi , wa Ahla Khaira min Ah-lihi, wa Ad-khiluhu Al-Jannata, wa Idhihu min Adhabil Kaburi, wa Adhabi Nnari, wa fusahu lahu fi Kabrihi wa Nawwir lahu Fiihi, Allahumma la tuharrimuna wala Tudhilluna ba-adahu.

[Amakulu nti: Ayi Katonda sonyiwa abalamu mufu naabafu, n'abo abali wano mu kusaalira n'abataliwo, abato n'abakulu, abasajja n'abakazi. Ayi Mukama waffe Allah, oyo Omuntu gw'oba okumye nga mulamu, mukuumire ku Busiraamu, ate gw'oba ogyemu obulamu naafa, muttire ku Imaan 'kubukkiriza'. Ayi Allah Musonyiwe era omusasire, Omuwonye, omwanirize mukitibwa, ogaziye n'omulyango mwanayita okuyingira Kabuli, omunaaze n'amazzi amawolu, omutukuze okuva mumazambi n'ebyonono, nga olugoye olweru bwerutukuzibwa nemubula ebbala lyonna, omuwanyisizemu enju esinga eyo gyabadde nayo, n'abantu abasing abo babadde nabo, omuyingize Ejjana era omukingirize ebibonerezo bya Kaburi neby'Omuliro, omugaziwirize Kabuli ye, era omussizemu ekitangala. Ayi Allah totumma mpeera era totubuza luvanyuma lw'okufa kwe].

* Oluvanyuma n'otoola takibira ey'okuna, olwo n'atoola Ssalamu emu kuludda olwa ddyo.

Kiba kirungi okusitula emikono gye gyombi nga gigoberera buli takibira.

Yye omufu bw'abeera nga Mukazi, ogamba nti: *Allahumma igfir laha...*

Abafu bwebaba bali babiri : ogamba nti : *Allahumma igfir lahuma...*

Bwebaba bangi ogamba nti: *Allahumma igfir lahumu...*

Bwabeera Mwana muto, mukifo ky'okumusabira okusonyiyibwa, ogamba nti:

[Allahuma ij-aluhu fur-twa wa Dhuhura li walidaihi, wa-shafee-a mujaaba, Allahumma thakkil bihi mawaazinihuma, wa A-adhim bihi Ujuurahuma, wa Al-hikuhu bi swalih salafil Mu-uminiina, wa ij-aluhu fi Kafaalat Ibrahim "aleihi Ssalam" wa qihi birahmatika Azaabul- Jahiim].

Amakulu nti: Ayi Allah mufuule eky'okutaasa eri bakaddebe, era omuwolereza ayanukulwa, Ayi Allah zitoya minzani zaabwe, nempera yaabwe ogiyingiwaze kululwe, era yye omusisinkanye n'abakkiriza abalongofu abatukulembere. Omuteeke mu bulabirizi bwa Nabbi Ibrahim, era omukingirize ebibonerezo b'jomuliro olw'obusaasizibwo.

Kiri mu Sunna Imamu asaalira omufu okuyimirira awali omutwe gw'omufu omusajja, oba wakati wa Janaza y'omukazi.

Ate Janaza bweziba zisukka kweemu nga mulimu nezabakazi n'abaana, tukulembeza janaza y'omusajja yeesooka wano okumpi ne Imam, netuzzako ey'omwana omulenzi, netuzzako eyomukazi olwo netusembayo eyomwana omuwala.

Omutwe gw'omwana omulenzi gwenkanankanyizibwa n'ogwomusajja, oba atekebwa wakati wa Janaza yo mukazi. Ate bwaba mwana muwala omutwe gwe gutekebwa okwenkana n'ogwomukazi. Ate abassaze bonna babeera mabega wa Imaamu, okujjako atafunye kifo ye asobola okuyimirira ku ddyo wa Imam.

Ye bazibwa Allah oyo awa bwannamunigina,
era Okusasira n'emirembe bibeere
ku wekitiibwa Nabbi Muhammad (SAW),
abantu be n'abagoberezi be.